

D.O.W.B.I

DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE

CERTIFICATE

IN MINISTRY



OBULAMU BW'OBWAKATONDA OBUTALWALA

Name/Erinnya _____

Located/
Tusangibwa

* Kirumira Towers 6th Floor [City Campus]

* Makerere, Mukubira Zone near MBI Off Sir Apollo Kagga Rd.

KAMPALA BIBLE REVELATION CHURCH

DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE

KIRUMIRA TOWERS 6TH FLOOR [CITY CAMPUS]

COURSE OUTLINE (3 HOURS)

OBULAMU BW'OBWAKATONDA OBUTALWALA;



> OKUNNYONNYOLA:

Buno bwe bulamu omutali bulwadde. Bwe bulamu nga Katonda bwalina.

>> ENTEEKATEEKA Y'OBULAMU OBUTALWALA


Omuntu yatondebwa mu ngeri era mu kifanaanyi kya Katonda: Oluberyeberye 1: 26 – 28
Katonda talina bulwadde era talwala.

Omuntu bwe yagwa okuva mu kitiibwa, mu kifanaanyi ne mu ngeri ya Katonda olwo obulwadde n'okufa ne biyingira: Oluberyeberye 3: 1; Oluberyeberye 3: 23; Abaruumi 5:12

>> ENSIBUKO Y'OBULWADDE:

1. Ekibi: Ekibi n'obulwadde bikwatagana (Ezekyeri18: 4; Makko 2:5; Yokaana 5: 14; 2 Bassekabaka 5: 27)
2. Ekikolimo ky'amateeka: Bwe tumenya etteeka lya Katonda ekikolimo kirabikira mu bulwadde. (Ekyamateeka 28: 15, 22, 27, 28, 61; 1 Abakkolinso 11: 30)
3. Sitani: Sitani akuba abantu endwadde n'obulumi obulala bungi (Yobu 2: 7; Lukka 13: 16; Ebikolwa 10: 38)

Omuti ogwo wa mmanga gulaga ensibuko y'obulwadde. Emirandira kye ekibi, ekikolimo ne Sitani. Enduli bwe bulimba bwa Sitani, amalagala n'ebibala z'endwadde ezirumba abantu.



>> **OKUWONYEZEBWA ENDWADDE:**

- 1. Obulwadde obujsa olw'ekibi:** (eky'okulabirako: Oluberyeberye 12:17; 2 Samwiri 12: 14) Zabbuli 103: 3; 2 Abakkolinso 5: 21 – Katonda asonyiwa ebibi byaffe byonna kubanga Yesu yafuuka ekibi ku lwaffe netulyoka tufuuka obutukirivu bwa Katonda era netuwona endwadde. Makko 2: 5 – 12, Yesu yasonyiwa era nawonya omugongobavu mu kiseera kye kimu. Yokaana 5: 5 – 15, Yesu yawonya omusajja eyakonziba namugamba obutaddamu kwonoona sikulwa nga ekintu ekisinga awo obubi nga kimutuuka ko.

2. Obulwadde obujja olw'ekikolimo: (eky'okulabirako: Okubala 12: 10; 2 Bassekabaka 5: 27) Abaggalatiya 3: 13; Matayo 8: 17; Kristo yafuuka ekikolimo ku lwaffe era yatwala endwadde zonna naziggyawo.

3. Obulwadde Sitani bw'aleeta: (eky'okulabirako: Yobu 2: 7; Luka 13: 16) Abaebbulaniya 2: 14; 1 Yokaana 3: 8; Ebikolwa 10: 38. Kristo yazikiriza Sitani, yazikiriza emirimu gye era yajja okuwonya bonna abaali bajogebwa Sitani.

Obulwadde tebuva wa Katonda: Yokaana 10: 10; Yakobo 1: 17; Zabbuli 16: 11

>> **MUKAMA YE MUWONYA:**

- Okuva 15: 26 – Ye Mukama atuwonya
- Okuva 23: 25 – Ajjawo endwadde
- Zabbuli 107: 20 – Atuma ekigambo kye natuwonya.
- Makko 7: 27 – Okuwonyezebwa mmere y'abaana.

>> **EBISUMULUZO BY'OKUWONA:**

- Teekateeka omutima gwo: Makko 11: 23
- Kakasa nti omanyi nti okuwonyezebwa kwo kwagala kwa Katonda: Matayo 8: 3
- Okwatula ebibi: Yakobo 5: 13 – 16
- Kakasa nti osonyiwa buli omu: Matayo 18: 35; Makko 11: 25; Matayo 6: 14
- Yimirira ku bisuubizo bya Katonda ebikwatagana n'okuwonyezebwa: Isaya 53: 5; Matayo 8: 17 n'ebirala.

- Wakanya obulimba bwa Sitani: Yokaana 8: 44; Yakobo 4: 7; 1 Petero 5: 8
- Ekiseera eky'okuwona okirekera Katonda: Makko 16: 17; Mubulizi 3: 11
- Tandika okwebaza n'okusiima ng'osubira okulaba okuwona kwo: Makko 11: 24

>> **ENDAGAANO Y'OBUTALWAALA:**

Okunnyonyola:


Buno bwe bulamu obuli waggulu w'endwadde olw'endagaano ya Kristo.

3 Yokaana 2 – Kwe kwagala kwa Katonda okutuukiridde okubeera nga te tulwaala nga emyoyo gyaffe bwegiri mu butalwaala.

Abakolossayi 3:3 – Tukwekeddwa mu Kristo ne Kristo akwekeddwa mu Katonda.

Kino ekifaananyi kiraga nga bwe tukwekeddwa mu Katonda.

Okusinzira ku Abakolossayi 3:3





>> **OBUKAKAFU BW'OBULAMU OBUTALWAALA:**

Katonda ayagala tubeere mu bulamu obutamanyi bulwadde: Yobu 5: 26; Yobu 36: 11; Abaruumi 12: 1 – Katonda alina okwagala kwe okulungi, okukkirizibwa, n'okutukiridde.

Kuba kwagala kwe okulungi abatukuvu be nga bafudde endwadde okugenda mu ggulu. Kwe kwagala kwe okusanyusa abatukuvu be bwe balwaala ne bawona. Kwe kwagala kwe okutukiridde abatukuvu be obutalwaalira ddala.

>> **EBY'OKULABIRAKO OKUVA MU BANTU ABAWANGAALA ABO MU BAIBULI:**

1. Ibulayimu yafa nga mukadde ate teyafa bulwadde: Oluberyeberye 25:7 – 8
2. Isaaka yasinga Ibulayimu okuwangaala n'amaaso ge ne gayimbaala naye teyafa bulwadde: Oluberyeberye 35: 28 – 29
3. Yakobo yawangaala newankubadde nga yalina ebizibu bingi: Oluberyeberye 49: 33
4. Yusufu yawangaala nnyo nga ate yali mukulembeze: Oluberyeberye 50: 26
5. Daudi yawangaala nakaddiwa nga takya buguma mu buliri: 1 Ebyomumirembe 29: 28 – 30
6. Paulo yamanya ekyama ky'obulamu obutalwaala: Abafirippi 1:23 – 24.





Lined writing area consisting of 20 horizontal lines. The first three lines are partially enclosed by rounded rectangular boxes, and the next three lines are also partially enclosed by rounded rectangular boxes. The remaining lines are open.





Lined writing area consisting of 25 horizontal lines for text entry.







Lined writing area consisting of 24 horizontal lines. The first three lines are partially obscured by a decorative graphic in the top-left corner. The first three lines are also partially obscured by a large, faint watermark of a lion emblem in the center of the page.





Lined writing area with horizontal lines and faint background graphics.





Handwriting practice lines consisting of multiple horizontal lines across the page.

